

# URBRA

UGANDA RETIREMENT BENEFITS REGULATORY AUTHORITY

*Protecting your retirement benefits*

## URBRA

Byetutwala nga bikulu kwekuteekawo amateeka agalungamya, okuloondoola, enzirukanya ya puloggulaamu n'okukuuma sente z'ofuna nga owummudde emirimu.



URBRA

UGANDA RETIREMENT BENEFITS REGULATORY AUTHORITY

*Protecting your retirement benefits*

## EBITUKWATAKO

Ekitongole kya Uganda ekirungamya entereka ya ssente abakozi zebafuna nga bawummudde emirimu kyetengeredde era kyagunjibwawo akatundu nnamba 2 aka etteeka ery'omwaka 2011 ery'e kitongole kino.

## OBUVUNAANYIZIBWA BWAFFE

Okulabirira n'okulungamya entandikwa, obukulembeze n'enzirukanya y'emirimu egikwata ku ssente ezifunibwa abakozi abawummudde. Era tukuuma ebigendererwa bya ba mmemba n'abaganyulwamu nga mmemba avuddewo, mu puloggulaamu eno mu Uganda.

## OKWOLESEBWA KWAFFE

Ekitongole ekyamaanyi era ekigumu ate ekigenda mu maaso.

## EKIGENDERERWA KYAFFE

Okulungamya, okulabirira n'okutumbula puloggulaamu y'okutereka ssente z'abakozi ez'okuwummuula nga nywevu era nga ekola bulungi.

## EMIRAMWA EMIKULU

- Obukugu
- Obwesigwa
- Obuyiiya
- Obwerufu
- Obuvunaanyizibwa


3rd -6th Floor. Plot 1, Clement Hill Rd P.O Box 7561 Kampala
+256(0) 417 304 500 • +256(0) 200 513 500 • +256(0) 312 524 500
urbra@urbra.go.ug www.urbra.go.ug urbraUg @urbraUg

## Ekitongole kya Ugamda ekirungamya enzirukanya ya ssente z'abakozi zebafuna nga bawummudde (URBRA)

Ekitogole kino (URBRA) kyetengeredde era kyagunjibwawo akatundu nnamba 2 aka etteeka lya 2011 erya ekitongole kino. Kivunaanyizibwa okuteekawo amateeka agagobererwa mu kutandikawo ebibiina bya ssente z' abakozi abawummudde emirimu gya gavumenti  n'egya bwannannyini; obukulembeze bwabyo n'enzirukanya y'emirimu gyabyo. URBRA kitongole ekirabirira enkola, so si kitongole ekitereka ssente z'abakozi.

## Ebyagendererwa mu kutondawo URBRA

- Kukuuma ebigendererwa bya ba mmemba ne abo abafuna ssente zino nga mmemba avuddewo; nga kitumbula obwerufu n'obuvunaanyizibwa;
- Kukakasa nti waliwo obunywevu n'obwesigwa mu byenfuna, nga kireetawo obutayugayuga n'obukuumi ku ssente z'abakozi;
- Okukakasa nti omulimu gw'okutereka ssente z'abakozi teguddirira;
- Okuzimba omusingi ogunaavaamu okukkiriza ebibiina ebyenjawulo okwetaba mu puloggulaamu (omulimu guno).

## Empeereza  ya URBRA

- Okugaba layisinsi (olukusa) eri puloggulaamu ezitereka ensimbi z'abakozi; eri abayima, abakulembeze, abaddukanya ebintu ebiteekebwamu  ssente, abazitereka era n'okukakasa ababalirizi b'ebitabo.
- Okulondoola puloggulaamu za ssente z'abakozi n'abalina empeereza mu puloggulaamu zino.
- Okukola okunoonyereza n'okuwa amawulire agakwata ku kitongole kya ssente z'abakozi.
- Okukola ku kwemulugunya ku ssente z'abakozi.
- Okusomesa abantu beyongere okutegeera omugaso gw'okweteekerateekera okuwummula emirimu n.okutereka ensimbi (ssente).
- Okuteekawo enkola n'amateeka g'ekitongole n'okussa mu nkola ebiragiro bya gavumenti ebikwata ku bibiina ebitereka ssente z'abakozi.





“Okweterekera ssente ez’okuwummula emirimu kifaanana nga okusiga ensigo leero, eneevaamu enkya omuti gw’ebyenfuna ebinywevu”. (Omuwandiisi tamanyiddwa)

***- Omuwandiisi tamanyiddwa***

## Omugaso gw'okweteekeerateekera okuwummula emirimu n'okutereka ensimbi

Mu buwangwa, abantu baalabiriranga abakadde nga enkola ya wamu. Abantu aba wamu baakuumanga abenganda. Baavunaanyizibwanga okufunira abakadde eby'okulya ebimala, aw'okusula awalungi era n'obujjanjabi. Abantu bwebeeyongera mu nkukulaakulana ne mu bungi, obuvunaanyizibwa bwava ku benganda abebbali nebudda ku bo munju. Kati abantu beyongedde okwefaako bokka mu by'obulamu n'okweyimirizaawo nga tebeesigamye ku balala. Kino tekisosola mu myaka era kyeyongedde okulabika ne mu bawummudde emirimu.

Okuwummula emirimu tekyewalika. Omuntu ayinza okuwalirizibwa okuwummula olw'okukaddiwa mu myaka oba ensonga endala yonna. Nolwekyo, okuba n'enteekateeka y'okuwummula kyetaago kyakumwanjo so si kyakwejalabya.

Okwetegekera okuwummula kirimu okusalawo ebigendererwa mu byenfuna nga owummudde; ne byonookola okutuukiriza ebigendererrwa bino. Kirimu okusalawo ssente gyezinaava, ensaasaanya yazo, okuteekawo enkola y'okutereka n'okuddukanya ebyobugagga bwo n'ebisoomoza. Kino  kikolebwa obulamu bwo bwonna era osobola  okukitandikako essaawa yonna; naye nga atandise amangu y'asinga.

## Ebirungi ebiri mu kweteekerateekera okuwummula emirimu

- Kiyamba okusalawo obwetegefu bwolina okuwummula ku myaka gyoyagala;  n'obulamu bwoyagala okubeeramu. Kikuwa omukisa okusalawo byolina okukola okwongera obwetegefu bwolina okuwummula, okufuna obumanyi mu by'ensimbi n'okwongera amaanyi mu kutereka.
- Okwetegekera okuwummula kikuyamba okugaziya endowooza, nga omanyi nti okuwummula kusembedde. Kikusobozesa okusalawo obulungi kubikwata ku mirimu n'ebyenfuna.
- Enteekateeka y'okuwummula bwebawo kikuyamba obutakosebwa nnyo bwoba owaliriziddwa okuwummula amangu. Okuwummula okw'obuwaze tekujja kukutiisa nnyo.
- Obulamu obulungiko: Okuwummula okwetegekere kukendeeza okweraliikirira , obeere mu bulamu obulungi.
- Okwetengerera mu by'enfuna: Tojja kweraliikirira kubeera mugugu eri abalala oba abaana bo. Okuwummula kulina okubeera okulungi eri ggwe n'abantu bo.

- Akatalekeka: Oyinza okuba jjajja ow'omulembe. Okuwummula n'okukaddiwa tekitegeeza nti ovudde ku mulembe. Bazzukulu bo bajja kukulaba nga jjajja atambula n'omulembe nga okoze enteekateeka y'ebyenfuna ennungi.

## Engeri y'okweteekerateekera okuwummula.

Tunuulira ekiruubirirwa mu maaso. Nga okola enteekateeka, lowooza ku bino: Obwongo onobukuuma otya nga bukola bulungi? On'okola ki okukuuma omubiri nga mulamu? Oneetaaga ssente meka buli mwezi okukola ku byetaago byo? Nkolagana ki n'abalala z'onokuuma era ziruwa empya z'onoyongerako? On'otebenkeza otya embeera y'omwoyo gwo?

## Teeka mu nkola enteekateeka y'okuwummula kwo

- Enteekateeka yo yerambika nga bwewetegekedde okubeera mu bulamu obulungi era obunyuma nga owummudde. Salawo enkola, ebikolwa n'ebikozesebwa byewetaaga okutuukiriza ebigendererwa byo nga owummudde.
- Lowooza ku kuteeka ssente mu bintu ebivaamu amangu amagoba n'ebyo ebiwangaala nga bino: ettaka, ennyumba z'abapangisa, okusimba emiti, obulimi, obutale bw'ensimbi, ssente mu banka akawunta ez'amagoba amangi n'emigabo gya gavumenti.
- Ku lw'obulungi bw'obwongo n'endowooza zo tegeka okwenyigira mu bisanyusa ebikunyumira era n'okuzuula yo ebyokukola epipya byoyinza okumalirako ebiseera byo.
- Tandika okufa ku by'olya ne by'onywa era nga okola duyiro okukuuma omubiri gwo nga mulamu. Mu nteekateeka yo yingizaamu engeri gy'onokwatamu ensaasaanya ya ssente ku by'enzijanjaba n'okwerabirira.
- Tosaasaanya bubi ssente. Gufuule muze okuterekawo akatundu akasoboka ku ssente zoyingiza era ziteeke mu bintu ebivaamu amagoba. Tolinda kufuna ssente nnyingi olyoke otereke, naye tandika n'akatono kolinawo. Okutereka muze gwolina okliikiriza.

Jjukira okutunula mu nteekateeka yo buli kaseera osobole okulondoola ssente zotelese n'emirimu gy'otaddewo.

.





"Etteeka erisooka erya ssente z'obwannannyini kwekusaasaanya sente ntono ku ezo z'ofuna. Ery'okubiri kwekweterekera olw'okuwummula kwo. N'ery'okusatu kwekuteeka ssente mu bulamu obw'omumaaso".

***- Sophia Bera***

## Puloggulaamu y'okwetegekera okuwummula emirimu kyekki?

Ye endagaano oba entegeka ba mmemba mwe balina okufunira ssente buli mwaka;  oba omulundi gumu nga omuntu awummudde oba nga afudde, oba nga agobeddwa ku mulimu , oba nga wabaddewo ensonga endala eri mu tteeka, mu ndagaano oba mu ntegeka.

Puloggulaamu, nga NSSF (Ekittavvu kyabakozi), Public Service Pension Scheme (Akasiimo ka bakozi ba gavumenti) eza ssente ezifunibwa nga owummudde zitondebwawo teeka. Engeri endala, zitondebwawo oluvannyuma lw'okussa omukono ku kiwandiiko n'amateeka wakati wa oyo akuyingizza mu puloggulaamu (sponsor) n'abayima. Puloggulaamu eno eteekebwawo nga endagaano etesazibwamu, wansi w'etteeka lya URBRA erya 2011. Amateeka ga puloggulaamu eno gateekwa okukuuma obulungi eddembe n'ebigendererwa bya  mmemba n'abafuna sente ezo nga avuddewo. Ekibiina kitandika emirimu oluvannyuma lw' okufuna layisinsi ya URBRA.

## Ebika bya puloggulaamu z'okutereka ensimbi z'okuwummula.

**Ssente ezisaliddwawo ku ntandikwa (Defined Benefit Scheme):** Eno ntegeka nga ssente ezifunibwa mmemba oba amukiikiridde nga avuddewo zisalibwawo ku ntandikwa , nga bakozesa embalirira eyesigama ku musaala ogusembayo (nga awummula), oba emyaka gyakoledde. Omukozesa ateekwa okuteekamu ssente ezimala, okusobola okutuukiriza omuwendo ogusuubirwa mu kaseera wezineetagirwa. Ekyokulabirako ekya puloggulaamu eno ke kasiimo k'abakozi ba gavumenti (Public Service Pension Scheme).

**Ssente ezokusonda (Defined Contribution Scheme):** Buli mmemba aggulirwawo akawunta mwebateeka ssente eziterekebwa buli mwezi. Mu nkola eyabulijjo, omukozesa n'omukozi bateekayo omuwendo ogwessalra. Ensimbi ezifunibwa zisinziira ku muwendo ogwetuumye ku akawunta naye omuwendo guno guyinza okukyuka kubanga ssente awummudde zafuna zikolebwa omugatte gw'ezo ezisondeddwa, n'amagoba.

## Puloggulaamu ziyinza okwawulibwa okusinziira ku ngeri ssente gyezisasulirwamu abazifuna:

**Ensasula ey'omuzindo (Provident funds):**  Wano mmemba oba amukiikirira nga ono avuddewo, bamusasula zonna omulundi gumu. Oli bwaba ayagadde, ayinza okuzikyusa n'afuna entonotono buli mwaka.

**Akasiimo (Pension Shcheme):** Wano omuntu afunayo ku ssente buli mwezi nga amaze okuwummula. Okusinziira ku mateeka g'ekitongole, mmemba asobola okufuna ekitundu ekimu omulundi gumu, ezisigaddeyo nazifuna mu bitundutundu nga bwebakkiriganyizza. Obulungi bwenkola eno buli nti omuntu afuna ssente buli mwezi obulamu bwe bwonna. Kino kiyamba obutasaasaanya ssente ze mulundi gumu nga bwekibera nga azifunye lumu.

**Okujjayo mpolampola (Income draw down):** Wano omuntu ajjayo ssente ezimu ku kasiimo, endala nazirekayo nga zikola amagoba. Asigala ajjayo ssente okuva mu buli mwezi okuva mu bazitereka.

## Ebika eby'enjawulo okusinziira ku bakuwanirira mu puloggulaamu (Sponsorhip)

**Puloggulaamu ez'okumulimu (Occupational schemes):** Zino zitandikibwawo abakozesa ku lwa bakozi baabwe. Eno puloggulaamu ekwata ku bakozi bokka. Omukozi n'omukozesa bombi basobola okusonda.

**Puloggulaamu ya kinnoomu (Individual personal pension scheme):** Zino zitondebwawo ebitongole byensimbi ebya ba nnakyewa nga Yinsuwa (insurance) oba abaddukanya ebintu ebiteekebwamu ensimbi (fund managers). Eno ekkiriza ba mmemba okuzimba obugagga ku lw'obukadde bwabwe nga bakozesa ensimbi ze batereka.

**Puloggulaamu za manvuuli (Umbrella schemes):** Ziteekebwawo ebitongole bya bwa nnannyini. Bakkiriza sssente ezisonndebwa abakozi b'omukozesa omu oba abakozesa abangi; abantu ba ssekinnoomu; ne ba mmemba b'ebibiina ebyenjawulo. Omuwendo ogusondebwa gusalibwawo mu kiwandiiko (Deed of Adherence) ekiyinza okukolebwa omukozesa awamu n'omukozi.

**Puloggulaamu ey'obuwaze (Statutory):** Zino ziteekebwawo amateeka g'olukiiko lwe ggwanga. Ebyokulabirako: NSSF (Ekittavvu), Ekayabakozi ba palamenti (Parliamentary Service Scheme), n'ekya ba magye (Armed Forces Service Scheme).

## Okufuuka mmemba  wa puloggulaamu etereka ensimbi z'abakozi.

- Mu tteeka eddongooseemu, buli mukozesa alina abakozi bataano oba okusingawo kimwetaagisa okuwandiisa n'okusondera abakozi be mu kittavvu(NSSF).
- Abakozi ba gavumenti, amagye n'abakozi mu gavumenti z'ebitundu bagwa mu kiti kya kasiimo (Public Service Pension Scheme) okusinziira ku tteeka.
- Okubeera mmemba mu puloggulaamu ya ssekinnoomu kya kyeyagalire. Ba neekolera gyange n'abalala abatakolera gavumenti ba ddembe okusaba obwa mmemba wano.
- Mu Uganda abakozesa n'abavujjirizi ba puloggulaamu zino tekibakakatako mu tteeka kusaawo ntereka ya nsimbi za bakozi ey'okumulimu (occupational schemes). Naye bwe ziteekebwawo zirina okugondera amateeka ga URBRA.





Okuganyulwa mu puloggulaamu y'okutereka ssente kwesigama ku buvunaanyizibwa obw'okukebera buli kiseera n'okukyusa mu ntereka yo nga ogobelera enkyukakyuka n'okwongera ku ssente zo

*- Omuwandiisi tamanyiddwa*

## Mmemba wa puloggulaamu y'okutereka ensimbi z'abakozi ye ani?

Mmemba ye oyo atereka ssente oba gwe basondera ssente mu puloggulaamu y'okuzitereka. Omuntu oyo alina okufuna ssente ze nga ekiseera kituuse. Kino kibaawo: nga awummudde; nga takyeesobola; nga afunye obulemu; nga avudde mu ggwanga oba nga afudde.

Waliwo ebika bibiri ebya ba **mmemba – mmemba atereka ssente(Active member)** ne mmemba atakyatereka(inactive) naye nga afuna akasiimo (pensioner).

## Okutuusa amawulire eri ba mmemba, empuliziganya n'okusomesebwa

Etteeka n'ebiragiro bya URBRA byetaaga abayima okuwa ba mmemba amawulire agasaanidde ate nga gategeerekeka. Eno ye emu ku mpagi z'obukulembeze obulungi obwa puloggulaamu. Kyetagisa abayima okukuuma enkola ennambulukufu ekwata ku mawulire, empuliziganya n'okusomesebwa. Enkola zino zijja kulambulula ebikozesebwa mu mpuliziganya n'emitendera egiikozesebwa mu puloggulaamu.

- Enkkiiko za bonna ez'omwaka
- Akatabo ka mawulire aka ba mmemba
- Ebbaluwa ya obwa mmemba
- Lipoota y'omwaka (oba okusingawo) eraga ssente eziterekeddwa.
- Lippota y'omwaka eri ba mmemba
- Bu lipoota obwa buli mwezi, oba;
- Buli myeezi esatu oba buli mwaka nga a bayima bwe basazeewo
- Enkiiko z'abakozi ba puloggulaamu ezitera okutuula (Periodic town hall meetings)

## Akatabo ka mmemba ak'amawulire:

Kino kyekimu ku bisingayo obukulu mu mpuliziganya mu kulambika ba mmemba ku nsonga za puloggulaamu. Kano kalaga mu bwangu enfaanana n'enzirukanya ya puloggulaamu. Kawumbawumba emigaso, obuyinza n'obuvunaanyizibwa bwa mmemba.

Nga waliwo ebitakwatagana mu mawulire g'akatabo ka puloggulaamu n'ekiwandiiko ky'endagaano(Trust Deed), ekiwandiiko n'amateeka bitwalibwa nti byebituufu.

## Olukiiko lwa awamu olw'omwaka(AGM):

Etteeka lyetaaga abayima okuteekawo olukiiko lw'omwaka okutegeeza ba mmemba ensonga za puloggulaamu. Mu tteeka lino abayima beetaga okutegeeza ba mmemba mu budde ku lukiko lw'omwaka nga telunnabaawo. Ebiragiro bya URBRA byetaaga abayima mulukiiko lw'omwaka okuwa ba mmemba n'ababakiikirira nga tebaliiwo bino wammaanga:

- Enkyukakyuka mu kiwandiiko ky'endagaano n'amateeka ga puloggulaamu;
- Enkyukakyuka mu ssente z'abakozi eziterekebwa n'ensonda yazo mu puloggulaamu.
- Lipoota ekwata ku nsasula y'abayima ne n'entambuza y'emirimu gyabwe.
- Lipoota ekwata ku nkola y'emirimu n'ensaasaanya eri abo puloggulaamu beyeyambisa.
- Lipoota y'ebitabo by'ensimbi za puloggulaamu eby'ekennenyezebwa ababalirizi.
- Lipoota ekwata ku mirirmu egivaamu ssente puloggulaamu gye yateekawo; n'amawulire amalala agayinza okusabibwa ba mmemba. Kyetagisa abayima okuteekawo enkola

ey'omunda ekwata ku ntegeka, ebiteesebwako, n'enzirukanya y'olukiiko lw'omwaka. Enkola eno eteekwa okukiriziganya n'ebiragiro bya URBRA, ekiwandiiko ky'endagaano kya puloggulaamu(Trust Deed), n'amateeka.

## Obuyinza bwa mmemba.

Mmemba ye kasitoma asooka eri abayima n'abalala puloggulaamu beyeyambisa. Mmemba alina obuyinza okufuna amawulire gano wa mmanga okuva eri abayima:

- Ekiwandiiko ky'endagaano n'amateeka mu bufunze oba etteeka eryateekawo puloggulaamu eno
- Emiwendo gya ssente ezisondebwa n'ezisasulibwa mmemba mu puloggulaamu.
- Lipoota y'omwaka ekwata ku ssente za ba mmemba eziterekeddwa.
- Ekiwandiiko ky'endagaano n'amateeka ebya puloggulaamu oba etteeka lya gavumenti eriteekawo puloggulaamu eno.
- Ebiwandiiko by'enyingiza n'ensaasaanya ya puloggulaamu ebyekennenyezebbwa ababalirizi.
- Lipoota ya puloggulaamu y'emirimu egivaamu ssente, ey'azikuuma oba ey'omukulembeze wa puloggulaamu.
- Ebiteesebbwako mu nkiiko z'omwaka
- Okufuna ssente eziterekeddwa nga ekiwandiiko n'endagaano n'amateeka bwebikirambika.
- Okubeerawo mu lukiiko lw'omwaka olwa puloggulaamu.
- Okulonda abayima abasaliddwawo ba mmemba.
- Eddembe ly'okuwulirizibwa n'okuyisibwa obulungi.
- Okufuna okulungamizibwa okuva eri abayima ku nsonga za puloggulaamu ezitali nnambulukufu.

## Obuvunaanyizibwa bwa ba mmemba ba puloggulaamu ya ssente ez'okuwummula emirimu

- Okufuna n'okutegeera obulungi ebiwandiiko bya puloggulaamu, omuli: ekiwandiiko ky'endagaano n' amateeka oba etteeka erigunjaawo puloggulaamu.
- Okubeera mu nkiiko eziterekebwawo ku lwa ba mmemba okubawa amawulire, ez'empuliziganya, ne z'okubasomesa.
- Okuwandiisa banaafuna ssente nga bbo bavuddewo (beneficiaries)
- Okumanyisa abayima ebikwata ku mmemba n'ababakiikirira nga bbo tebaliiwo.
- Okweyisa obulungi eri abayima, abawereza puloggulaamu ne ba mmemba bannaabwe.
- Okugondera ebiragiro byonna ebiteekebwawo etteka  lya URBRA.

## Okugonjoola enkaayana

Abayima balagirwa etteeka okuteekawo engeri y'okugonjoola okwemulugunya munda mu puloggulaamu. Emitendera gy'okumalawo okwemulugunya giteekwa okuba nga gyanguwa, nga myerufu era nga myangu okutegeera. Mu URBRA, ennambika y'okugonjoola okwemulugunya eya 2020 egamba bweti: Mmemba yenna alina okwemulugunya  (okulimu ekinyusi) ku puloggulaamu ya ssente za bawummudde emirimu oba ekitongole kyonna  ekivunaanyizibwako URBRA, alina kusooka kwogeraganya n'omuyima wa puloggulaamu.

Omuntu atamatidde nsalawo ya bayima evudde mu nkola eyateekebwawo okugonjoola obutakkanya obw'omunda, asobola okutwala okwemulugunya kwe eri omukulembeze ow'okuntikko owa URBRA; nga attaddeko ebiwandiiko oba obujulizi obukwata ku kwemulugunya kwe.

# Tandika okutereka leero, owummule n'emirembe mu mutima



Obukadde tebwewalika, kiri gyoli okufuula okuwummula kwo okunyuma. Wewandiise leero mu puloggulaamu y'okutereka ensimbi ez'okuwummulirako mu puloggulaamu eyawebwa layisinsi ya URBRA era otandike okutereka akatono nga okuva ku Ush. 1,000 buli lunaku osobole okunyumirwa okuwummula.

Okukufunira puloggulaamu erina layisinsi, tutuukirire ku nnamba 0417304500 oba www.urbra.go.ug
Obubaka buno buvudde mu kitongole kya Uganda ekirabirira entereka ya ssente z'abakozi abagenda okuwummula emirimu. (Uganda Retirement Benefits Regulatory Authority.

URBRA